# Omukazi agulidde abaana chapati n'ababbako bbebi

Bya MOSES LEMISA



Nalubowa ng'akutte ekifaananyi ky'omwana eyabbiddwa.

OMUKAZI awuddiisizza abaana ababadde bazannya ne munnaabwe bw'abagulidde chapati okubabuzaabuza n'ababbako munnaaabwe ow'emyaka ebiri n'abulawo naye.

Rahuma Kizza ow'emyaka 2 ye yabbiddwa bwe yabadde azannya ne banne ng'omukazi eyamubbye yeefudde abamanyi, nga yasoose kubagulira chapati oluvannyuma n'abulawo n'omuto abalala n'abalagira badde awaka. Abazadde ne baliraanwa baatandise omuyigo okwabadde n'okufuna ow'ekizindaalo wabula n'okutuusa kati tebannamanya mayitire ga mwana.

Huzair Ssali, ow'emyaka 7 muganda wa Kizza yagambye nti, omukazi yabasanze bazannya n'abatwala okubagulira chapati mu Kibe ng'owa chapati yamuwadde 1,500 era yabadde asituddde Kizza. Omukazi yabagambye bamulindeko agenze mu kiyigo teyakomyewo.

Sarah Nalubowa,30, maama wa Kizza omutuuze mu Dobbi zooni mu muluka gwa Makerere III e Kawempe nga musuubuzi wa bibala yagambye nti, mu kiseera we babbidde omwana we yabadde ku mulimu. Yagambye nti, alina abaana 5.